# Omusawo omuzaalisa avunaanibwa kulagajjalira omukyala ow'olubuto


Bya FAISAL KIZZA

KKOOTI e Butaleja ng'ekubirizibwa omulamuzi Joy Namboozo, etandise okuwulira omusango oguvunaanibwa omusawo omuzaalisa, Prossy Mukyala akolera ku ddwaaliro ly'e Kachonga Healthy Center III, avunaanibwa okulagajjalira omukyala w'olubuto n'afa.

Omusawo ono yakwatibwa bambega b'akakiiko ka State House Healthy Monitoring Unit. Oludda oluwaabi mu musango guno lwategeezezza kkooti nti buli kimu ekyetaagisa n'obujulizi mu musango guno biwedde era omusango gusobola okugenda mu maaso.

Omulamuzi mu kumusomera omusango, yagambye nti yaguzza mu July 2024 bwe yali omusawo omuzaalisa ku ddwaaliro lya Kachonga Healthy Center III n'alagajjalira omukyala Oliver Namukoma eyali olubuto gwe baamuleetera n'atafaayo era n'atakolebwako ekyaviirako bannannyini muntu okupangisa pikipiki okumuddusa e Mbale kyokka yafa nga yakatuusibwa.

Puliida w'omuwawaabirwa Weere Safiyu agamba nti omuntu waabwe talina musango kuba omukyala w'olubuto teyafiira mu mikono gye era n'asaba kkooti Prossy Mukyala eyimbule ku kakalu.



Omusawo Prossy Mukyala